Ecolebooks.com

**335/2**

**LUGANDA**

Paper 2

**June 2017**

**2 Hours**

# RESOURCE MOCK EXAMINATIONS, 2017

*Uganda Certificate of Education*

**S.4**

**LUGANDA**

Paper 2

**2 Hours 30 minutes**

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu,* **A**, **B** *ne* **C**

*Ddamu ebibuuzo byonna mu* **A** *ne* **B**, *Olonde ebibuuzo* **bisatu** *okuva mu bitabo eby'enjawulo.*

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

**EKITUNDU A:**

1. a) Soma ekitundu ekikuweereddwa no'luvannyuma oddemu ebibuuzo ebikubuuziddwa. (obubonero 25)

Wakoma ddi okwabya olumbe? Gwe eyalubaddeko byatambudde bitya? Nze lwe nasuzeemu e Bulwanyi wiiki eri abantu baasuze mu ngatto nga disiko ekoona, abantu ne bazina okukeesa obudde.

Enkyukakyuka n'enkulaakulana ebizze mu ggwanga mu myaka 50 gye twefuze tebikyusizza nnyambala yokka wabula bitwaliddemu n'obuwangwa omulaguzi ayinza okugamba nti mu Buganda okwabya ennyimbe bw'aba mulwadde asigaddeko kikuba mukono! Emikolo egisinga egyakolebwanga mu kwabya ennyimbe abamu bagidibizza, kati liba bbinu lye nnyini, endongo esindogoma abantu ne bacakala obudde okukya, abantu tebakyabamwa mitwe kumalako nviiri era omukulu w'oluggya gye twabadde e Bulwanyi yayombye ne bawala b'omugenzi Lafayiri ng'a abaleetako olugezigezi!

Olukiiko lw'abekika olusookawo akawungeezi basobole okumanyagana abavubuka baaluzize nga bagamba nti babadde basanga obuzibu okutuula mu nsiisira y'omukulu w'ekika ng'amagulu geefunye ate nga naye yabadde ayogeza kkaaze ng'abanenya obutatambuza bulungi lumbe mu mitendera era yabaweesezza engassi ya mukono gwa nte!

Ekirala ekyalemesezza abaana n'abazzukulu okwetaba mu lukiiko lw'okumanyagana lwakuba lwatandise kikeerezi ng'abasinga omwenge gwabalinnye dda ku mitwe ate ng'abalala bakwataganyeeko n'abawala , bakuba ndongo awatali kutya nti abamu ku be baabadde batiguka nabo babalinako oluganda!

Eyo y'enjabya y'ennyimbe empya eriwo ennaku zino! Abayitibwa abakulu b'ekika, abavubuka babalengezza nnyo, ndowooza n'abasinga engeri gye bali abakadde ate abaavu oluusi abajja basotta obugaali oba okusooka okusaba sente ezinabapakira mu takisi osanga ye kanaaluzaala.

Minisita avunaanyizibwa ku byobuwangwa Haji Muhamood Ssekimpi yategeezezza nti y'omu ku batakula emitwe olw'enkyukakyuka ezitabudde eby'obuwangwa bw'okwabya ennyimbe mu Buganda.

Agamba nti buli lumbe lwe yeetabako ennaku zino alaba nga luvudde ku nnono n'obuwangwa bwa Buganda ate ng'awo obeera otandise Okunaabuula ekitiibwa kya Buganda. Yanokoddeyo ebinnonoggo by'okwabya olumbe naddala, engoma kubanga zino teziteekeddwa kubula ku lumbe

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

kubanga zirimu obubaka bw'okulaga obuwangwa n'olwekyo mwe abakuba ebidomola nga mutuuse mu nnyimbe muli ku byammwe.

Okukuba omubala kintu kikulu era abasumikira omusika kwe boogerera ebigambo n'olwekyo abatabyogera ku nnyimbe bakola nsobi.

Olw'okuba abooluganda tebabeera mu kifo kimu olumbe luyamba mu kumanyagana anti ku lunaku lw'olumbe lwe lusulwamu, Kiyamba ab'oluganda obutaganza Bantu babazira. Era Haji Ssekimpi agamba nti emikolo egikolebwa ng'okufulumya olumbe ku maliiri si kwejalabya kubanga kabeera kabonero okwerabiza abaafiirwa ennaku baddemu obulamu obupya era kyekimu n'okumwa bamulekwa enviiri biraga okukomya ennaku n'okunyolwa.

Abakungu b'e Mengo abaakulembeddwa Hajji Ssekimpi baateegezezza ti ebimu ku bireeseewo enkyukakyuka be Bantu abamu abalowooleza mu ddiini z'Abazungu ebyabwe eby'ekiganda ne babitwala ng'ebya sitaani.

Embeera y'ebyenfuna etabuddetabudde eby'ennyimbe ng'abamu bakola za kiyita mu luggya okwewala okwonoona ssente. Omuntu olumala okumuziika nga bassaako omusika nga tebayise mu mitendera nga n'olwo luggwa. Minisita Ssekimpi yategeezezza nti atandise kaweefube w'okuzzaawo ekitiibwa n'obuwangwa by'olumbe ng'ateeka emisomo ku Leediyo za F.M n'okutokota abakulu b'ebika n'Abataka okwagazisa abavubuka obuwangwa bwabwe.

**Ebibuuzo:**

a) Ekitundu ky'osomye kiwe omutwe. (obubonero 2)

b) Leeta ebintu bina ekikolebwa mu njabya y'ennyimbe empya eriwo ennaku zino. (obubonero 4)

c) Omuwandiisi atulaze migaso ki egiri ku kwabya olumbe mu Buganda? (obubonero 4)

d) Omuwandiisi atulaze nsonga ki ezireseewo enkyukakyuka mu kwabya ennyimbe? (obubonero 3)

e) Nokolayo ebintu bibiri Mengo by'ekoze okusobola okuzzaawo ekitiibwa ky'olumbe. (obubonero 4)

f) Menyayo emikolo esatu egikolebwa mu kwabya olumbe mu Buganda. (obubonero 3)

g) Ebigambo bino bitegeeza ki okusinziira ku kitundu ky'osomye? (obubonero 5)

i) Ayogeza Kkaaze
ii) Babalengezza
iii) Okunaabula
iv) Yanokoddeyo
v) Maliiri

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

**EKITUNDU B:**

2. a) Maliriza engero zino nga zoogerebwa. (obubonero 10)
i) …………………………… n'atalina mbuzi agwegomba.
ii) Amaanyi ameemanye ………………………………………………..
iii) Eyeesitukidde …………………………………………………….
iv) …………………………………… afumita mukira.
v) Ssebaggala Miryango ……………………………………………….
vi) ……………………………… tawa munne ssooli ddene.
vii) weewombeese ng'eggole ……………………………………….
viii) Ndikumma okulya ………………………………
ix) ……………………………………… gamala ebita embuga.
x) Ndikirya jjo ………………………………………………………

b) Engero zino zituyigiriza ki?
i) Atali nnyini mbooli asima aligguula.
ii) Ssebageya nnyonyi nga namunye ali ku nju.
iii) Eyeeterekera butera okukya.
iv) Omunaku kaama yeerandiza yekka
v) Abanaku n'abanaku bamanyagana, empologoma bw'erwala ensiri y'erumika. (obubonero 5)

**EKITUNDU C:**

Londa ebibuuzo bisatu okuva mu bitabo byenjawulo.

**Tokiiya ŋŋonge Nto: Robert G. Mukasa.**

3………………………….. kino kyanyiiza nnyo omusomesa era n'abalangira empisa ensiwuufu. Eby'okuyigiriza oluyimba yabiggalawo, n'alagira abayizi bonna bayingire mu bibiina byabwe."
i) Laga ebyatuusa bino okubeerawo mu lugero. (obubonero 7)
ii) Omuwandiisi azimbye atya abayizi mulugero nga balina empisa ensiiwuufu? (obubonero 8)
iii) Newankubaade abayizi baaseka, kirabika n'omusomesa yalina obunafu. Nnyonyola obunafu bwabasomesa omuwandiisi Mukasa Robert bwatulaze mu lugero. (0bubonero 5.

**Gwosussa Emmwanyi: Wycliffe Kiyingi:**

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

4. Essawa ziri nga kkumi ne emu ez'olweggulo mu ddiro (sitting – dining room) lya Bamusoke. Eddiiro liteekeddwateekedwa bulungi era kirabika mangu nga Musoke beeyisa Kizungu ......."

i) Ebigambo bino byanjula kiragibwa kyakumeka ekyo'omuzannyo? (obubonero 2)

ii) Lwaki omuwandiisi asazeewo kweyambisa ennyanjula eyo? (Obubonero 2)

iii) Bamusoke baali beeyisa batya mu kizungu? (obubonero 16)

**C. S. Kalinda: Pawulo Kirimuttu**

5. C. S Kalinda atulaze atya ebizibu bye tusanga ku mirimu gye tukola ng'ayita mu lugero lwe Pawulo Kirimuttu? (obubonero 20)

**Oba**

**Balya N'enseekeezi: Masagazi ne Nanne**

6. a) Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo.

**ZUUKUKA YUGANDA MUZZUKULU WA BUGANDA**

Mukkirize mbanjulire eggwanga lya Yuganda
Muzzukulu w'eggwanga, eggwanga lya Buganda
Olukonvuba ye ndwadde ekanula Yuganda
Kukulaakulana mpaawo eteredde bukonge
Mu byobufuzi, ebyemirimu, n;amaka amalungi.
Mu by'enfuna  eby'okulima kujjanjaba agalwadde
Liri awo litengejja, kitengejja ku mazzi!!

Mbajjukiza Buganda ekkula eryaliwo okuva edda
Ery'abazira bannamige abaatusooka edda.
Mu ntalo ze baalwana; baakuza Obuganda, baagazia ebibanja

Mu kukomaga embugo baabikka ku magumba, baapakasa ku musente
Enfuga ya Buganda yatabaganya ebika anti baafuba okuteesa
Tebaalwaniranga byabufuzi ng'enkola eriwo eno.
Nkuza y'abaana, yatebenkeza Obuganda, tewaali bya buyaaye.
Mu byamaka ebyemirimu, enfuga n'okusinza
Eby'enfuna ebyokulima, nzijanjaba y'endwadde
Eby'obuwangwa amakula, byakuza Obuganda
Ttutumu erya Buganda lyatuuka n'e Bulaaya.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

Omuzungu bwe yajja kuno, ensaalwa n'emutemba
Ng'alaba enkulaakulama, n'entegeka ennungi
Yeebuza ekyokukola okufuga Obuganda
Obw'ettutumu n'okukula okwenkana Abazungu!!
Eddagala lye yanoga lyali lya kubidibya
Yabirinnyamu eggere, yabiyita bya Sitaani

Ebybuwangwa bwaffe wano byafutyankibw'olwo
Omutawaana omunene naffe ne tubikyawa
Ebyemirimu eby'amaka, nkuza y'abaana ennungi
Kantuntunu gwe twasibwa buli kati atukutte.

Ggwe eggwanga lya Yuganda. Muzzukulu wa Buganda
Nsibuko y'olumbe lwo, ebyedda twabinyooma
Byayamba bajjajja, so naffe byandiyambye
Abaana ba Yuganda, makungunyu gayitira bweru
Amakolero twaggala dda. Mbu byuma bya sipeeya
Abaana ba wano misege, enkuza yatulema dda
Kulwanira mu byobufuzi, kyafuuka kyabuwangwa
Kuno si kukulaakulana muve mu kusaaga
Abaana ba Yuganda, muli mu tulo otususse
Mbu "Fayiro ya Yuganda, katonda yagikweka!!"

Gino emirembe yge tulin, tuzibuke ku maaso
Tuyigire ku bajjajja abaajunwa obuwangwa
Naffe tubujjukire, tuddeyo ku misinde
Amakolero gaffe, sipeeya tumuweese
Hŋambye ebyuma, mu ssasa tuweese
Tuwone okupeekerera, obusimbi obw'ebweru
Bikumpulira tusuule eri, embugo tuzikomage
Abaana tugunjule nnyo, mu nkuza yaffe ey'edda
Gy'emiti emito, ate ogwo gwe musingi
Ggwanga kwe litambulira, obwedda kwe mbagamba
Tunaddamu okkulaakulana. Nga bwe kyaliwo edda.

Yuganda Yuganda gwe muzukkulu wa Buganda!!
Jjajjaawo teyakonziba, yalina wa kittibwa
Ebyamussa mu maaso, byali bya buwangwa.

Tunula gye tuvudde, naawe esomo olikwate
Eby'ebubaayira si bibi yongera obunyweze
Naye okkula okusingawo jjukira ku by'obuwangwa
Lw'onookula ku misinde, egyali egya Buganda.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Tambula. Tambula, mafuta bye byobuwangwa.
Zuukuka Yuganda muzzukulu wa Buganda, Zuukuka.

**Ebibuuzo**

i) Lwaki omuwandiisi yalonda omutwe gw'ekitontome okugutuuma Zuukuka Yuganda Muzzukulu wa Buganda? (obubonero 2)

ii) Nokolayo eby'obuwangwa bitaano ebikooneddwako mu kitontome. (obubonero 5)

iii) Ekitontome kino kirina kika ki eky'entunnunisi era kiki ekikakasa kino? (obubonero 2)

iv) Ekitontome kino kizimbidwa kitya? (obubonero 4)

v) Leeta ekifaananyi kimu ebizimbiddwa mu kitontome kino. (obubonero 1)

vi) Omuwandiisi akubiriza Abaganda bakole ki okusobola okutumbula Buganda? (obubonero 5)

**Oba**

b) Masagazi ne banne bawabudde ku ki Banayuganda ng'abayita mu bitontome byabwe ebya Balya ne'enseekeezi? (obubonero 20)

*****BIKOMYE*****

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM